


Amazzi okuva ku lwazi

Ebidiba ebirala

Amazzi gayinza okuggyibwa mu migga, ennyanja oba okulembeka amazzi g'enkuba. Gano nago gayinza okukozesebwa mu kufukirira ebirime

NARO

CAB INTERNATIONAL

IDRC CRDI

International Development Research Centre

Centre de recherches pour le développement international

Okumanya ebisingawo tukilira

Abakola ku by'obulimi mu kitundu kyo

Oba

Agricultural Technology Reseach Institute

Kilomita 13, ku lugudo lwe Bombo

Akasanduku 7144 Kampala, Esiimu 041-566-161

Email: aeatri@starcom.co.ug

OKULEMBEKA AMAZZI AG'OKUFUKIRIRA ENMIRO N'EBIRALA



Okulembeka amazzi kye ki?


Kino kye kikolwa ekibawo nga kigendererwa okukung'anya amazzi mu bungi obumala okufukirira ebirime n'okugakozesa ku bintu ebilara. Kyetagisa okulembeka amazzi kubanga oluusi enkuba elwawo okutonya pereketya ayitiridde oba enkuba okubulira ddala. Mu biseera eby'enkuba amazzi gakung'anyizibwa mu bungi era gakozesebwa ekiseera kyonna wegetagibwa. Okulembeka amazzi kulimu emitendera ebbiri; engeri y'okufunamu amazzi awamu n'okugatereka, amazzi kintu kikulu nnyo mu bugimu bwettaka, ettaka egimu nga teririna mazzi lirina omugaso mutono ddala

Tufuna era tutereka tutya amazzi?

Engeri y'okufunamu awamu n'okuterekamu amazzi;

Okulembeka ku nnyumba:

Amazzi agalembekeddwa ku nnyumba gayinza okuterekebwa mu ttanka eza pulastika, mu ttanka ez'amabati oba ttanka eza sementi (nga zizimbibwa waggulu oba waansi mu ttaka).



Okulembeka amazzi okuva kunju okudda mu ttanka

Okulembeka ku miti

Amazzi g'enkuba gayinza okulembekebwa ku nduli z'emiti ng'okozesa ebyayi,ebigogo oba endagala n'ebikulukusa amazzi mu nsuwa. Amazzi gano gakozesebwa awaka oba okufukirira enimiro.




Amazzi agalembekeddwa okuva ku miti

Ebidiba:

Ebidiba terekero lya mazzi eggazi erisangibwa wakati w'ebiwonvu ebyetoloddwa ensozi era bisangibwa mu bitundu eby'enkuba ey'omuswaba. Ebidiba bisimwa mu biwonvu, era amazzi agakulukuta okuva mu nsozi, agensulo n'ago agava mu myala gekung'anya mu bidiba. Amazzi gano gasinga kukozesebwa balunzi naye gayinza n'okufukirira enimiro.

Okutema emyala

Amazzi g'enkuba agamukoka gakung'anyizibwa mu budiba oba wegayingirira mu ttaka empolampola ng'okozesa ensalosalo.



Amazzi okuva ku mwala

Okuva ku njazi:

Amazzi g'enkuba gakung'anyizibwa okuva ku njazi nga ozimbyeyo ekisenge ky'amayinja oba sementi. Payipu ekozesebwa okutwala amazzi wegaterekebwa era gakozesebwa awaka, mukulunda oba okufukirira ebirime.